Mass General Brigham

Ebibuuzo Ebisinga Okubuzibwa ku ddagala lya COVID-19 eligema

Yayongerwaako: Ddesemba nga 23, 2020

Obubaka obwawamu

Ddi lwensobola kugemebwa COVID-19?
Mass General Brigham egoberera okulung'amizibwa okuva eri abasawo abakugu. Ekibinja ky'abantu ekigenda okusooka okugemebwa kigenda kubeera ky'abasawo ab'okumwanjo. Abalwadde abaludde nga bajjanjabibwa mu ddwaliro ne mu bifo gyebalabilirwa nabo basobola okugemebwa.

Eddagala ly'okugema ligenda kugabibwa ddi eri buli muntu?
Mu kiseera kino, Abasawo abakugu mu Massachusetts balowooza nti abantu b'omulukale bagenda kufuna eddagala lino eligema wakati w'omwezi ogw'okuna n'ogwomukaaga 2021. Okuligaba kugenda kuyitira mu kitongole kya Massachusetts eky'ebyobulamu bwa bona.

Wobera ng'olina akabi akamaanyi, olina emyaka 65 n'okusingawo, oba ng'okolera mu mirimu egimu ng'okusomesa, okutambuza ebintu oba omukozi w'omulukale, oyinza okusobola okufuna eddagala eligema mangu ko, wakati w'omwezi ogw'okubiri n'ogwokuna. Aba Centers for Disease Control (CDC) balina obubaka obusingawo ku buno ku webusayiti obukwata ku ani ali mu kabi akasinga ak'okulwalira ddala na ddi eddagala ly'okugema lweliyinza okutuuka ku buli muntu ali mu kitundu.

Abaana basobola okufuna eddagala eligema?
Mu kiseera kino eddagala eligema elya Pfizer lyakakasibwa kuweebwa abo abaweza emyaka 16 and n'okweyongerayo. Eddagala lya Moderna terikirizibwa kuweebwa baana. Lya bantu bakulu abasukka emyaka 18.

Tumanya tutya nti eddagala ly'okugema likola?
Eddagala ly'okugema elya COVID-19 lyakakasibwa okubeera nga likola bulungi nnyo. Okusinziira ku kugezesebwa okw'okusattu, eddagala lya Pfizer lyakola ebitundu 95 ku kikumi mu nnaku musanvu nga bamaliriza okufuna doozi ey'okubiri. Eddagala lya Moderna likola ebitundu 94 ku kikumi mu nnaku 14 ng'omaze okufuna doozi ey'okubiri. Bino ebyavaamu byali bifanagana ku bantu abekikula kyona, emyaka, n'obuwangwa bwona.

Obutakwatibwa kilwadde kinawangaala ddi ng'amazze okugemebwa? Nina okugemebwa buli mwaka?
Kino tetunaba kukimanya. Okugezesebwa kw'abasawo kugenda kusigala nga kugenda mu maaso nga bekebejja abagemebwa okulaba obukuumi buno webukoma. Tugenda kubabulira kasita tumanya obubaka buno.

Olw'ensonga nti tetumanyi ddagala lwelikoma kukola, kikyali kyamugaso okunaaba engalo, okwambala masiki era n'okwewa ebbanga.

Tusobola okulekeraawo obwambala masiki n'okwewa amabanga nga tumazze okugemebwa?
Nedda, ssi kati. Tukimanyi nti eddagala eligema likukuuma obutalwaala, naye tetumanyi oba kikuziyiza okubusiiga abantu abalala. Engeri gyekiri nti ssi buli muntu nti agenda kufunirawo eddagala, mulina okubeera abegenderevu okukuuma abalala. Newobeera ofunye eddagala eligema, olina okusigala

ng'oyambala masiki, okwewa ebbanga n'abantu, era onaabe engalo zo. Abakebera ku nsasaana y'obulwadde bagenda kututegeeza ddi lwekinabeera nga ssi kyabulabe kugoberera mitendera gino.

Lwaki tulina okufuna eddagala eligema wetubeera twambala masiki era nga twewa amabanga?
Tulina okukozesa byetulina okuyimiriza obulwadde buno. Wamu, eddagala eligema elya COVID-19 ng'ogaseeko ebikolwa ebya bulijjo ng'okwambala masiki n'okwewa ebbanga kigenda kukuwa obukuumi obukyasinze okuva eri COVID-19. Era wadde ng'eddagala eligema likola wakati w'ebitundu 90 mpaka ku 95 ku buli kikumi, tomanyi ngeri gyeligenda kukujjanjabamu. Ebitundu 5 okutuuka ku 10 ku buli kikumi ku bantu abagemebwa bakwatibwa akawuka kano. Olina okukola buli kimu ekisoboka okukendeeza ku kabi k'okufuna akawuka n'okasiiga abantu abalala.

Abantu basobola okulwaala COVID-19 nga bagemebwa?
Nedda. Eddagala eligema teririna kawuka kona era ku lw'ensonga eyo terisobola kulwaza COVID-19.

Nali ndwadde ko COVID-19. Nsobola okugemebwa?
Yee, weriberawo, osobola okugemebwa woba nga wafuna COVID-19 n'owona. Wobeera ng'oli mulwadde wa COVID-19 oba ng'olina obubonero obuyinza okubanga buva ku COVID-19, tolina kufuna ddagala ligema.

Buvune kyi bwoyinza okufuna ng'ogemedwa?
Abantu abamu tebafuna buvune bwona nga bamaze okufuna eddagala eligema. Eddagala lya Pfizer ne Moderna eligema, obuvune obusinga ssi bwa maanyi era nga bugwaawo mu lunaku lumu okutwaliza awamu.

- Obubonero obusinga obutera okulopebwa okuva ku ddagala lya Pfizer bubadde bulumi mu kitundu ky'ogemedwaamu, obukoowu, omutwe oguluma, obulumi mu nnyingo, obulumi mu misuwa, n'okukankana.
- Obubonero obusinga okulopebwa ku ddagala lya Moderna bubadde bulumi mu kitundu ky'okubidwaamu empiso, obukoowu, omutwe okuluma, okulumizibwa emisuwa, okulumizibwa ennyingo, n'okuzimba emisuwa egili ku mukono gw'okubidwaako empiso, okusindukirira emeeme, okusesema n'omusujja.

Wa wensobola okufuna obubaka obulala?

- Emigaso gy'okufuna eddagala lya COVID-19 eligema - https://www.cdc.gov/coronavirus/2019-ncov/vaccines/vaccine-benefits.html
- Eddagala eligema welibeera ttono, ani asooka okugemebwa? - https://www.cdc.gov/coronavirus/2019-ncov/vaccines/recommendations.html
- Eddagala eligema elya COVID-19 mu Massachusetts - https://www.mass.gov/covid-19-vaccine-in-massachusetts
- Abantu abayinza okulwaala COVID-19 – https://www.cdc.gov/coronavirus/2019-ncov/faq.html#People-at-Higher-Risk-for-Severe-IllnesS
- Eby'emmere n'eddagala elya Pfizer-BioNTech COVID-19 – https://www.fda.gov/emergency-preparedness-and-response/coronavirus-disease-2019-covid-19/pfizer-biontech-covid-19-vaccine
- Eby'emmere n'eddagala lya Moderna COVID-19 eligema - https://www.fda.gov/emergency-preparedness-and-response/coronavirus-disease-2019-covid-19/moderna-covid-19-vaccine
- Webusayiti ya Mass General Brigham kubya COVID-19 - https://www.massgeneralbrigham.org/covid19

Omubiri okufuna ebirogoologo/allajje

Nyinza okufuna ebirogoologo byona okuva ku ddagala lya COVID-19 eligema?
Waliwo alipoota ezimu ez'abantu abafuna ebirogoologo ku mibiri nga bamazze okufuna eddagala eligema.

Ennamba y’abantu abamu bafuna ebirogoologo eby’amaanyi ebiyitibwa anaphylaxis. Okwesigama kukino, ebe by’emmere n’eddagala mu Amerika ne CDC bakubiriza abantu abalina embeera ya anaphylaxis eri ebirungo ebiri mu ddagala lya COVID-19 obutafuna ddagala ligema. Abantu abalala abalina emmere n’eddagala ely’okujjanjaba ebirogoologo basobola okugemebwa.

Okutwalira awamu, abalwadde abatera okufuna ebirogoologo olw’okukubibwa eddagala erimu basobola okufuna eddagala eddala lyona nga tebafunye buzibu bwona. Wobeera ng’emabega wali ofunye ebirogoologo eby’amaanyi eri eddagala erigema, empiso, oba ekintu kyona eky’eddagla lya COVID-19 eligema, Olina okwogera n’omusawo wo oba akola ku birogoologo(wooba omulina). Asobola okuyamba okusalawo oba osobola okugemebwa oba nedda.

Birungo kyi eby’eddagala lya Pfizer-BioNTech ne Moderna elya COVID-19 eligema?

Eddagala lya Pfizer ne Moderna COVID-19 eligema teririna gelatin, jji, oba latex. Era, obusiba obuyitibwa (vial stoppers) tebukolebwa na rabba y’abulijjo. Abalwadde abatera okufuna ebirogoologo okuva ku latex basobola okufuna eddagala lya Pfizer oba Moderna elya COVID-19 eligema.
Eddagala lya Pfizer ne Moderna elya COVID-19 eligema liyina polyethylene glycol. Okufuna obuvune okuva ku Polyethylene glycol ssi kya bulijjo. Abalwadde ng’emabega ko bafuna obuvune okuva ku polyethylene glycol balina okwogerako n’ababalabirira nga tebanaba kufuna ddagala lya Pfizer oba Moderna lyona.

Ebirungo by'eddagala lya Pfizer-BioNTech ne Moderna elya COVID-19

	Pfzier-BioNTech	**Moderna**
Ebikolerawo	Nucleoside-modified messenger RNA (modRNA) ekyusa viral spike (S) glycoprotein ya SARS-CoV- 2.	Nucleoside-modified mRNA ekyusa viral spike (S) glycoprotein ya SARS-CoV-2
Ebitakolerawo - lipids	(4-hydroxybutyl)azanediyl)bis(hexane-6,1-diyl)bis(2-hexyldecanoate)	SM-102 (Erili wansi wa Moderna)
	2[(polyethylene glycol [PEG])-2000]-N,N-ditetradecylacetamide	Polyethylene glycol (PEG) 2000 dimyristoyl glycerol (DMG)
	1,2-distearoyl-sn-glycero-3-phosphocholine	1,2-distearoyl-sn-glycero-3-phosphocholine
	Cholesterol	Cholesterol
Ebitakolerawo – omunnyo, sukali, buffers	Potassium chloride, monobasic potassium phosphate, sodium chloride, dibasic sodium phosphate dihydrate	Tromethamine, tromethamine hydrochloride, acetic acid, sodium acetate
	Sukali (sucrose)	Sukali (sucrose)
	Ekijjabulula, ekitekebwa mu ddagala nga terinaba kukozesebwa kya saline (Sodium Chloride)	Tewali kijjabulula kyetagisa